# Museveni awadde bamakanika akawumbi

Bya PETER SSAAVA

PULEZIDENTI Museveni awadde bamakanika akawumbi kamu n'obukadde 300 okwongera omutindo ku mulimu gwabwe n'okwekulaakulanya.

Ssente zino Pulezidenti yazibasuubiza bwe yali anoonya akakulu mu kulonda kwa 2026. Yasoose kubawaako obukadde 300 olwo akawumbi kabaweebwe mu mwezi gwa July nga bamaze okulaga bwe bakozesezza ssente zino.

. Ssente zaabakwasiddwa omuyambi wa RDC e Wakiso, Angel Namulembe ku Lwokuna, eyabakubirizza okuzikozesa obulungi nga bayita mu SACCO yaabwe gye baakola okulaba nga buli makanika aganyulwamu.

"Ssinga mukozesa bulungi ssente zino engeri gye ziri ez'okuzzaayo, kijja kuyamba ne bamakanika abalala okuziganyulwamu ate buli omu akulaakulane kuba gwe mulamwa Pulezidenti Museveni gw'akubiriza," Namulembe bwe yayongeddeko.

Yeebazizza Pulezidenti olw'okutuukiriza ekisuubizo kye okulaba ng'adduukirira bamakanika n'asekerera abo abaali balowooza nti yasuubiza mpewo.

Ssentebe wa SACCO ya bamakanika mu Wakiso, Ezekiel Wafula yasiimye Museveni olw'okubadduukirira n'ategeeza nti obukadde 300 obwasoose okubaweebwa bagenda kubukozesa bulungi.

Yategeezezza nti, bamakanika be bawadde basooka kubeekenneenya n'okubasaba ebiwandiiko bya ggalagi ze bakoleramu era ne babalondoola okukakasa nti, tebawa bantu ba mpewo.

Yasabye Pulezidenti okutunulamu ku bbeeyi ya sipeeya kuba bangi bakaluubirizibwa okukanika mmotoka olwa sipeeya okuba ku buseere ate ng'omu tali ku mutindo ekivaako mmotoka okufa buli kiseera.

PETER SSAAVA



Omuyambi wa RDC wa Wakiso, Angel Namulembe (owookubiri ku ddyo) ng'akwasa bamakanika ssente.